# ENGERI GYE TUKOLAMU UMRAH

# صِفَةُ الْعُمْرَةِ

**Kiwandiikiddwa:**
**SWIDDIIQ NAASWIR MUBIRU**
**(ABU SWIDDIIQAH)**
**Tel: +256 751485810**
**البريد الإلكتروني:**
**swidiqmubiru8@gmail.com**

## EBIRI MU KITABO

**EMIGASO GYETUFUNA MU KUKOLA UMRAH**.........................................................3

**EBITAKKIRIZIBWA KU MUNTU ALI MU MIKOLO GYA UMRAH OBA HIJJAH**.............9

**ENGERI GYETUKOLAMU EMIKOLO GYA UMRAH**.........................................................11

**AL-IHRAAM (NIYYA Y'OKUYINGIRA MU MIKOLO)**.........................................................12

**ATTWAWAAF (OKWETOOLOOLA KA'BAH)** .........................................................16

**'ASSA'AYU BAINA SSWAFAA WAL MAR'WAH' (OKUTAMBULA WAKATI W'OBUSOZI OBUBIRI) SWAFAA NE MAR'WAH**.........................................................20

**AL-HALQU AWI TTAQSWIRU (OKUSALAKO ENVIIRI OBA OKUZIKENDEEZA)**...........................................24

**OKUMALIRIZA**..................................................24

بِسْمِ اللهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيْمِ

## EMIGASO GYETUFUNA MU KUKOLA UMRAH

**1.** Okusonyiyibwa amazambi. Hadiith nga eva ku Abu Hurairah (Allah asiime ku ye) yagamba Omubaka wa Allah Muhammad (ebyengera n’emirembe bibeere ku ye),

عَنْ أَبِي هُرَيْرَةَ؛ أَنَّ رَسُولَ اللَّهِ – صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ – قَالَ: "الْعُمْرَةُ إِلَى الْعُمْرَةِ كَفَّارَةٌ لِمَا بَيْنَهُمَا، وَالْحَجُّ الْمَبْرُورُ لَيْسَ لَهُ جَزَاءٌ إِلَّا الْجَنَّةُ". (رواه الإمام البخاري).

***“Okuva ku Umrah okutuuka ku Umrah osonyiyibwa ebyonoono ebibeera wakati awo, ne Hijjah ekkirizibbwa, teriiko mpeera okuggyako ejjana”.*** Bukhaar

**2.** Allah okugulumiza abagenyi be. Nabbi Muhammad (ebyengera n’emirembe bibeere ku ye) yagamba,

**عَنِ ابْنِ عُمَرَ، عَنِ النَّبِيِّ صَلَّى اللهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ قَالَ: "الْغَازِي فِي سَبِيلِ اللَّهِ، وَالْحَاجُّ وَالْمُعْتَمِرُ، وَفْدُ اللَّهِ، دَعَاهُمْ، فَأَجَابُوهُ، وَسَأَلُوهُ، فَأَعْطَاهُمْ". (رواه الإمام ابن ماجة).**

***“Agenda okulwana mu kkubo lya Allah n’agenda okukola Hijjah n’agenda okukola Umrah kibinja kya Allah (bagenyi ba***

***Allah), Allah abayita nebamwanukula era bamusaba n'abawa".*** Ibn Maajah, Sheikh Al Baan yagamba nti Hadiith eyo nnungi.

**3.** Umrah egoba obwavu. Okuddingana Umrah, kimu ku bigoba obwavu nga bwekyajjira mu Hadiith eri mu Sunan Tirmidh. Nabbi Muhammad (ebyengera n'emirembe bibeere ku ye) yagamba,

عَنْ عَبْدِ اللهِ بْنِ مَسْعُودٍ قَالَ: قَالَ رَسُولُ اللهِ صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ: "تَابِعُوا بَيْنَ الحَجِّ وَالعُمْرَةِ، فَإِنَّهُمَا يَنْفِيَانِ الفَقْرَ وَالذُّنُوبَ كَمَا يَنْفِي الكِيرُ خَبَثَ الحَدِيدِ، وَالذَّهَبِ، وَالفِضَّةِ،

وَلَيْسَ لِلْحَجَّةِ الْمَبْرُورَةِ ثَوَابٌ إِلاَّ الجَنَّةُ". (رواه الإمام الترمذي).

***"Mugobereze wakati wa Hijjah ne Umrah kubanga mazima ddala bigoba obwavu…".***

**4.** Umrah eya Ramadhan erina enkizo era empeera yaayo nnene okutuusa nti obeera nga akoze Hijjah n'omubaka Muhammad (ebyengera n'emirembe bibeere ku ye).

**5.** Omuntu akoze Umrah empeera ye nnene nnyo. Nabbi Muhammad (ebyengera n'emirembe bibeere ku ye) yagamba mukyala we Aisha (Allah asiime ku ye) bweyali ali mu Umrah nti,

عَنْ عَائِشَةَ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهَا، أَنَّ رَسُولَ اللَّهِ صَلَّى اللّٰهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ قَالَ لَهَا فِي عُمْرَتِهَا: "إِنَّ لَكِ مِنَ الْأَجْرِ

عَلَى قَدْرِ نَصَبِكِ وَنَفَقَتِكِ". (رواه الإمام الحاكم في المستدرك).

***"Mazima ddala empeera gy'olina nnene okusinziira kukutabakana kwo, n'okuwaayo kwo mu Umrah".*** Al Haakim

**6.** Umrah abamanyi abamu baatuuka n'okugyiyita Hijjah entono olw'emirimu egimu gyefaanananya Hijjah, nga okwetooloola Ka'bah, Swaffaa ne Mar'wah, okusalako enviiri oba okukendeeza ku nviiri.

**7.** Esswala emu gy'osaalidde mu Haram e Makkah, erimu esswala emitwalo kkumi (100,000) okusinga ezisaalirwa mu mizikiti emirala. Nabbi Muhammad (ebyengera n'emirembe bibeere ku ye) yagamba nti,

**عَنْ جَابِرٍ، أَنَّ رَسُولَ اللَّهِ – صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ – قَالَ: "صَلَاةٌ فِي مَسْجِدِي أَفْضَلُ مِنْ أَلْفِ صَلَاةٍ**

**فِيمَا سِوَاهُ، إِلَّا الْمَسْجِدَ الْحَرَامَ، وَصَلَاةٌ فِي الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ أَفْضَلُ مِنْ مِائَةِ أَلْفِ صَلَاةٍ فِيمَا سِوَاهُ".**

**(رواه الإمام ابن ماجة).**

***"Esswala mu muzikiti gwange (ogw'e Madiinah esinga esswala***

***lukumi (1,000) z'osaalidde mu mizikiti emirala okuggyako ogw'e Makkah n'esswala mu Haram ey'e Makkah esinga esswala emitwalo kkumi (100,000) mu mizikiti emirala".*** Ahmad

## EBITAKKIRIZIBWA KU MUNTU ALI MU MIKOLO GYA UMRAH OBA HIJJAH

### Ebitakkirizibwa ku basajja ne ku bakazi

**i.** Okusalako enviiri ez'okumutwe n'enviiri zonna ezisigadde ku mubiri.

- **ii.** Okusalako enjala z’engalo n’ebigere.
- **iii.** Okukozesa obuwoowo nga omaze okuyingira mu mikolo.
- **iv.** Okuwasa oba okufumbirwa.
- **v.** Okwogereza oba okubaako gw’oyogerereza.
- **vi.** Okwegatta mu nsonga z’obufumbo.
- **vii.** Okusemberera omwami wo oba mukyala wo mu ngeri eyinza okubaleetera obwagazi, n’okukola byonna ebiyinza okubaleetera obwagazi.
- **viii.** Okuyigga.
- **ix.** Okukaayana n’okukola ebinakuwaza banno.

1. **Ebitakkirizibwa ku Basajja**
   - **i.** Okubikka omutwe.
   - **ii.** Okwambala engoye eza bulijjo nga ekkanzu, essaati, empale, obugoye bw'omunda, n'ebirala.

2. **Ebitakkirizibwa ku Bakazi**
   - i. Okwambala Niqaabu (ekibikka ekyenyi) okuggyako bw'ayita awali abasajja abatamuzira kufumbirwa.
   - ii. Okwambala ebisabika ebibatu nga 'gloves'.

## ENGERI GYETUKOLAMU EMIKOLO GYA UMRAH

Mu bufunze, Umrah erimu ebintu bina;

1. Al-Ihraam (Niyya y’okuyingira mu mikolo)
2. Attwawwaaf (Okwetooloola Ka’bah)
3. Assa’ayu Baina Sswafaa ne Mar’wah (Okutambula wakati w’obusozi obubiri; Swaffaa ne Mar’wah)
4. Al-Halqu awi ttaqswir (Okusalako enviiri oba okuzikendeeza).

## AL-IHRAAM (NIYYA Y’OKUYINGIRA MU MIKOLO)

Kiri Sunnah agenda okuyingira mu mikolo gya Umrah okunaabako olunaaba nga olwa Janabah neyeekuba ku buwoowo naddala mu mutwe gwe ne mu kirevu. Ekyonno, Nabbi yakikolanga bweyalinga agenda okuyingira mu mikolo. Era kirungi okunaabako nga

tonnayingira mu mikolo. Kino kiri ku musajja n'omukyala ne bwaba nga omukyala ali Haidh oba Nifaas olwa Hadiith ya Asma' Bint Umais (radhiyallaahu anha). Oluvannyuma, twambala engoye z'emikolo ezaakazibwako 'Ihraam' era nga ku musajja, ziba bbiri; olwa wansi n'olwa waggulu wabula omukyala ye, ayambala ennyambala eya bulijjo ennungi ey'obusiraamu.

Mu kuyingira mu mikolo tugamba nti:

لَبَّيْكَ عُمْرَةً

**'LABBAIKA UMRAH'** ekitegeeza nti 'Ayi Allah twanukudde okukola Umrah'.

Bwoba otidde nti wayinza okubaawo ekikulemesa okuyingira Makka, oyongerako ebigambo bino:

"فَإِنْ حَبَسَنِيْ حَابِسٌ فَمَحَلِّيْ حَيْثَ حَبَسْتَنِيْ".

'FA-IN HABASANI HAABISUN FAMAHALLI HAITHU HABASTANII' amakulu 'Singa wabaawo ekinsiba kyonna (okuyingira Makka), awo wemba nviiridde mu mikolo.'

Oluvannyuma tuzzaako ebigambo bino wakati mu lugendo lwaffe okuyingira Makka,

"لَبَّيْكَ اللَّهُمَّ لَبَّيْكَ، لَبَّيْكَ لَا شَرِيكَ لَكَ لَبَّيْكَ، إِنَّ الْحَمْدَ وَالنِّعْمَةَ لَكَ وَالْمُلْكَ، لَا شَرِيكَ لَكَ".

**‘LABBAIKA ALLAAHUMMA LABBAIKA, LABBAIKA LAA SHARIIKA LAKA LABBAIKA, INNA-L-HAMDA WANNIEMATA LAKA WALMULKA LAA SHARIIKA LAKA’**

**Amakulu:** *‘Ayi Allah twanukudde, ayi Allah twanukudde, twanukudde tewali kisaana kukugattibwako twanukudde, mazima ddala amatendo amajjuvu, n’ebyengera byonna bibyo n’obufuzi bubwo tewali kikugattibwako’.*

Ebigambo ebyo waggulu by’ebiyitibwa **‘TALBIYA’** era tubyogera okutuusa bwetuyingira Makka oba bwetulaba ku Ka’bah.

## ATTWAWAAF (OKWETOOLOOLA KA'BAH)

Omulamazi bw'atuuka mu muzikiti e Makkah, ayingira nga bw'ayingira emizikiti emirala gyonna (okuyingira n'okugulu okwa ddyo n'okusoma edduwa y'okuyingira mu muzikiti). Ayingira n'obwetowaze obwa waggulu n'okugulumiza Allah n'okuwulira obunene bw'ekyengera ky'afunye okutuukako mu kifo kino ewali ennyumba ya Allah Ka'abah.

Oluvannyuma ayolekera ewali ejjinja eriddugavu n'akola ekimu ku bino;

1. Bw'asobola okulinywegera, alinywegera.
2. Bw'aba tasobodde, alikwatako n'omukono gwe ogwa ddyo oluvannyuma n'agunywegera.

3. Bw’aba tasobodde, ng’alina ky’akutte (nga akaggo), akikoonyako.
4. Bw’aba tasobodde, alaza n’omukono gwe ogwa ddyo ku jjinja lino n’agamba nti, “Allaahu Akbar”. Wano, tanywegera mukono gwe.

Byetukola ku jjinja lino, tubikola lwakugulumiza Allah nakugoberera Mubaka sso ssi nti ejjinja ligasa oba likosa.

Oluvannyuma, atandika okwetooloola Ka’abah nga Ka’abah eri ku ludda lwe olwa kkono. Yeetooloola emirundi musanvu **(7)** era nga buli lw’atuuka ku jjinja eriddugavu, guba mulundi. Era buli lwalituukako, akola ekiba kisobose ku byetulabye waggulu n’okugamba nti, “Allaahu Akbar”.

Mu kwetooloola, buli lw'atuuka ku nsonda eddiridde ensonda eriko ejjinja eriddugavu eyitibwa Ruknul-Yamaan, agikwatako bwekiba kisobose nga tewali mujjuzo. Bwewabaawo omujjuzo, kino akireka.

Wakati w'ensonda eno eddiridde ensonda eriko ejjinja eriddugavu, buli mulundi gw'ayitawo, addingana edduwa eno:

رَبَّنَا آتِنَا فِي الدُّنْيَا حَسَنَةً وَفِي الْآخِرَةِ حَسَنَةً وَقِنَا عَذَابَ النَّارِ

**"Rabbanaa aatina fii ddun-ya hasanat wafil aakhirati hasanat waqinaa adhaaba nnaar.**

Amakulu *"Ayi Allah tukusaba otuwe ebirungi ku nsi era otuwe ebirungi ku*

*nkomerero era otukingirize ebibonerezo by'omuliro".*

Mu kwetooloola kuno, omulamazi akola kyebayita **'Al-Idhtwibaau'** (kwekubikkula ku ludda lwe olwa ddyo nga omukono ogwa ddyo n'ekibegabega bibikkule). Kino kiri ku basajja bokka.

Era mu kwetooloola kuno, omulamazi akola kyebayita **'Arramlu'** (okusaayirira/okuddukamu okutonotono emirundi esatu egisooka)

Oluvannyuma lw'okwetooloola emirundi omusanvu, omulamazi ayolekera emabega wa Maqaam Ibraahiim oba ekifo kyonna ekiba kisobose n'asaala eraaka bbiri. Mu raaka esooka, asomeramu Suuratul Kaafiruun oluvannyuma lwa **Al-Faatiha.** Mu raaka

ey’okubiri, asoma Suuratul Ikhlaas oluvannyuma lwa **Al-Faatiha.**

## ‘ASSA’AYU BAINA SSWAFAA WAL MAR’WAH’ (OKUTAMBULA WAKATI W’OBUSOZI OBUBIRI)

## SWAFAA NE MAR’WAH

Oluvannyuma oyolekera ku kasozi akayitibwa Sswafaa n’osoma Ayaa egamba nti,

قَالَ تَعَالَىٰ: ﴿ إِنَّ ٱلصَّفَا وَٱلْمَرْوَةَ مِن شَعَآئِرِ ٱللَّهِ ۖ فَمَنْ حَجَّ ٱلْبَيْتَ أَوِ ٱعْتَمَرَ فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِ أَن يَطَّوَّفَ بِهِمَا ۚ وَمَن تَطَوَّعَ خَيْرًا فَإِنَّ ٱللَّهَ شَاكِرٌ عَلِيمٌ ﴿١٥٨﴾ ﴾ البقرة: ١٥٨

***“Inna Sswafaa Wal Mar’wata min Sha-aaeri-Llaah, faman hajjal bayta aw’etamara falaa junaaha alaihi ayyattwawwafa bihimaa, waman***

***tatwawwa'a khairan fainna Llaaha shaakirun aliim."*** Suuratul Baqarah Aaya 158.

Aaya eno esomebwa nga oyambuka ku kasozi kano akayitibwa Sswafaa naye bw'oba oyolekera ku kasozi akayitibwa Mar'wah, Aaya eno togiddamu kugisoma. Ekirala, Aaya eno esomwa mulundi gumu gwokka mu ntandikwa, emirundi egiddako tetugisoma.

Bw'otuuka ku kasozi kano waggulu, okyuka n'oyolekera Ka'abah oluvannyuma n'owanika emikono neweebaza Allah n'okumusaba kyonna ky'oba ayagala. Era oddingana ebigambo bino emirundi esatu,

"لاَ إِلَهَ إِلَّا اللهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ، لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ، لَا إِلَهَ إِلَّا

اللهُ وَحْدَهُ، أَنْجَزَ وَعْدَهُ، وَنَصَرَ عَبْدَهُ، وَهَزَمَ الْأَحْزَابَ وَحْدَهُ"

***"Laa ilaaha illa Allahu wahdahu laa shariika lahuu lahuul mulku walahuul hamdu wahuwa alaa kulli shai'en qadiir, laa ilaaha illa Allahu wahdahu, anjaza wa'adahu wanaswara abdahu wahazamal ahzaaba wahdahuu".***

Amakulu, ***"Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah yekka tewali kigwanidde kumugattako, obufuzi bubwe n'amatendo amajjuvu gage era musobozi ku buli kimu. Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah yekka, yatuukiriza endagaano ye, n'ataasa n'omuddu we, n'awangula entabaalo yekka"***.

Buli mulundi gw'oleeta edduwa eno ku mirundi esatu, osabirawo wakati awo

by’oba oyagala mu lulimi lw’oba oyagadde. Era edduwa eno ogiddingana nga otuuse ku kasozi k’e Mar’wah n’okusabira wakati w’emirundi gino esatu, nga bw’okolera ddala nga oli ku kasozi Sswafaa.

Oluvannyuma oyolekera ku kasozi Mar’wah ng’otambula; bw’otuuka mu kikko ***(olwa leero waliwo ebitaala ebya kiragala)*** osaayiriramukko akatonotono. Kino kiri ku musajja yekka, omukyala takikola kubanga abeera mu lujjudde lw’abasajja. Okuva ku Sswafaa okudda ku Mar’wah, ogwo gubeera mulundi, n’okuva ku Mar’wah okudda ku Sswafaa nagwo mulundi. Wakati w’obusozi buno, tutambulawo emirundi musanvu **(7)** era omulundi ogw’omusanvu guwera nga oli ku Mar’wah. Wakati w’obusozi buno obubiri, tewaliiwo kutendereza Allah kweyawulidde, wabula, osobola

okusoma Qur’an oba okutendereza kwonna oba okusirika. Wadde nga ekirungi, kubaako ky’okola nekyongera ku mirimu gyo emirungi.

## AL-HALQU AWI TTAQSWIRU (OKUSALAKO ENVIIRI OBA OKUZIKENDEEZA)

Bw’omalayo emirindu omusanvu wakati wa Sswafaa ne Mar’wah, omusajja asalako enviiri ze zonna era nga ky’ekisinga oba n’azikendeezaako. Ye omukyala akendeeza ku nviiri ze.

## OKUMALIRIZA

Tusaba Allah akkirize **UMRAH** zaffe era atusonyiwe ebibi byaffe. Olwo nno emikolo gya **UMRAH** gibeera giwedde, **Walillaahi-l-Hamdu.**